OKUSAABALA EGGAALI Y'OKUFA

Obubaka Obw'esuubi

© ***Moses C. Onwubiko***
www.GraceEvangelisticMinistries.org

"Tewali Alina kwagala Kunene okusinga kuno
Omuntu okuwayo obulamu bwe olwa mikwano gye."
Yokana 15:13

Wekubemu akaafananyi ng'osabadde eggaali y'omukka eyolekedde ekittiro ky'abantu – oba nga bwetwandigambye nti eyolekedde mu lufula. Abasabaze bonna nga nawe mwoli, basingisiddwa omusango era bolekedde kusanjjagyibwa.

Eggaali eba eneetera okutuuka, nnemulengera omuvubuka omuto nga ali ku bituleera mumaaso, ng'awuuba ebbendera emyufu ng'amaliridde okuyimiriza eggaali. Omugoba waayo kabula kata emuleme okuyimiriza nga yeekulula. Abakuumi badduka okuva mu gaali babuuze omusajja ono akana n'akataano, nabagamba okusaba kwe okuwuniikiriza – Asaba kufa mu kifo kya buli muntu yenna ali mu ggaali eyo. "Ndi wano kukomya okusanjjaga kuno" Omuvubuka ono bw'alangirira n'obuvumu! Abakuumi abeewunyiza banguwa mangu okutusa obubaka buno obw'ekintu ekitasangika eri omulamuzi eyayisizza ebiragiro.

Oluvanyuma lw'okusoya omuvubuka ono omuto ebibuuzo eby'okumukumu okumala akabanga kawanvuko, omulamuzi akkiriza okumuleka abeere nga ayimirira mu kifo ky'abasabaze ab'ali bolekedde okumaliriza obubi kubanga ebiwandiiko byonna byalaga nga omuvubuka ono omuto takolanga musango gwonna. Yali taliiko musango gwonna gwonna okusinziira ku alipoota zonna; naye ate yewaayo buwi okwessaako ye omusango gwabwe.

Okwagala Kwe Eri Abantu
Abaasingibwa Omusango Kubikkulibwa.

Nga ggwe ne banno mwena mulaba, akulemberwa n'atwalibwa okusanjjagibwa. N'abonyabonyezebwa, n'avumibwa ku lwabo bonna ababadde basemberede okufa. Njagala otwale akaseera kakano ofumiitirize kukikolwa nga ekyo. Nga tekitotolwa nti omuntu omu yewaayo obuterekereza kantu konna ku lw'abo abasaliddwa omusango.

Omuvubuka ono omutto nga alebeeta kumuti mulufula, aleekaana mubulumi n'akowolera waggulu ayambibwe naye mpawo ayamba.Oluvanyuma nn'assa ogusembayo. Lwaki? Nti abo bonna abaali munda mu ggaali bawonewo era babeere balamu. Awo, omulamuzi afulumya enkola abantu bonna gyebateekwa okugoberera okusobola okwejjerezebwa okufa kw'omusajja okwokwesaddaaka.

Amazima

Eno si mboozi buboozi wabula nnyinnyonnyola . Baibuli erambika bulungi nti:

Kubanga bonna baayonoona nebatatuuka Kukitiibwa kya Katonda.
(Baruumi 3:23)

Kubanga empeera y'ekibi kwe kufa.
(Baruumi 6:23a)

Okusala kuno okuviira ddala mu kkooti enkulu eyomugulu kutegeza nti buli muntu yasingibwa omusango gw'ekibi era bonna bateekwa okusulibwa mu geyeena nga bawukanye ne Katonda emirembe gyonna.
Buli muntu yenna awatali kusosola ali wansi w'omusango gwa Katonda – era muggaali y'okufa eyolekedde okuzikirira okutaggwaawo.

Amaanyi G'abantu

Baibuli etuwa okugaana eri okugezaako kw'omuntu okwejjako omusango mu maaso ga Katonda. Omu asobola okugamba nti; "Wewawo, nze ngezaako okubera omulungi" Baibuli egamba nti;

Tewali akola obulungi, tewali n'omu
(Baruumi 3:12b)

Kino omuntu ono kimuleka ludda wa? Ate nga omuntu omulala asobola okukayana ng'agamba nti: "Nze mbadde ngezaako okukuuma ebiragiro bya Katonda". Nate Baibuli erina eky'okudamu;

Kubanga omuntu yenna bwaba akwata amateeka gonna,
Naye nasobya mu limu, ng'azzizza omusango gwa gonna.
(Yakobo 2:10)

Ekibuuzo kiri nti, omuntu ateekwa kukuuma ebiragiro bya Katonda bimeka okusobola okukirizibwa okuyingira mu ggulu?. Buli limu ku go! Okumenya eteeka limu lyoka kitegeza nti gona gamenyese (Yakobo 2:10) Ani ayinza okutuukiriza byonna? Ani ayinza okumala olunaku oba essande nnamba oba omwaka nga tajjeemedeko biragiro bya Katonda?
Amazima gali nti;

Tewali mutuukirivu n'omu.
(Baruumi 3:10b)

Omuntu omu asobola era okukayana nti ye agezaako okuberawo mubulamu obw'obutuukirivu. Nate Baibuli egamba nti;

Kubanga fenna tufuuse ng'omutali mulongoofu, N'ebikolwa byaffe byonna eby'obutuukirivu
Biringa nga ekyambalo ekikongedde
(Isaya 64:6a)

Mubutuufu gano si mawulire malungi eri omuntu yenna. Amaanyi gonna ag'omuntu okugezaako okufuna okukirizibwa kwa Katonda gaaganibwa. Kiki kyetusigazaawo?

Tewali!

Ekyo kitegeza nti okuganibwa kuno okuva eri Katonda kutegeeza nti tewali muntu ayinza okugenda mu ggulu? Nedda! Kyekitegeza kyoka nti amanyi g'omuntu gonna butaliimu. Esuubi lyoka era ekyokuddamu kyoka ky'Ekisa kya Katonda.

Abantu Mu mbera Ey'obuteeyamba

Mukama Katonda, ye nga omutonzi mutukuvu. Mutuukirivu mu byonna era ye Katonda ow'obwenkanya bwonna. Mu butukuvu bwe, tasobola kutabagana n'ekibi oba n'abonoonyi (1Yokana 1:5). Nga Katonda omwenkanya, tayinza era tasobola kuleka kibi kugenda nga tekibonerezeddwa. Tewali ngeri yonna omuntu atatuukiridde gyayinza kutabagana ne Katonda Omutukirivu. Tekisobokera ddala okuyita mu manyi g'omuntu.

> *Mu bantu ekyo tekiyinzika; naye Katonda, ayinza byonna*
> *(Matayo 19:26b)*

N'olwekyo, abantu mu kufuba kwabwe kwonna tebayinza era tebagenda kutuuka kubutukuvu bwa Katonda. Omu alowooza nti mulungi naye Katonda agamba nti tewali n'omu akola ebirungi(Baruumi 3:12b) Omulala alowooza nti akulembeza obulamu obulungi. Katonda ayanukula nti; "Tewali Mutuukirivu n'omu" (Baruumi 3:10) Omuntu omulala alowooza nti ayinza okugibwako omusango olw'okukuuma Amateeka ga Katonda. Katonda n'amudamu nti;

> *"Omuntu taweebwa butuukirivu lwa bikolwa by'amateeka"*
> *(Bagalatiya 2:16a)*

Mazima ddala omuntu ebyokukola bimuwedeko mu kugezako okutoloka omusango gwa Katonda ogwasalirwa bonna (Baruumi 3:23). Tewali kutoloka kuva mu musango gwe. Bonna bayimiridde nga basalirwa omusango, gwabasiinga era baweebwa ekibonerezo kya kugenda mu geyeena etaligwaawo. Si nsonga ngeri ki omuntu gy'afuba ennyo kululwe okutoloka enkomerero ye tekisoboka. Kino kitegeza nti tetulinayo ssuubi lyonna lya kutoloka musango gwa Katonda? Sibwekiri. Katonda alina entekateeka emu yoka ey'okutoloka. Enteekateeka ey'ekisa. Goberera enteekateeka eno ey'ekisa obere wa ddembe oba ogigaane osisinkane ekiruyi kya Katonda. (Yokana 3:36).

Amawulire Amalungi

Omuntu bweyali nga agezaako okutoloka omusango gwa Katonda mu maanyi ge ye, waliwo omuntu ayaja amununule. Omusajja ono ye Yesu Kristo, Omwana wa Katonda ow'enjjawulo. Yewaayo nga Omwana ataaliko musango ayasanira okutwala omusango gw'okufa ogwali ku Muntu n'agweeteekako. Yokana omubatiza ayogera kumusajja ono owenjjawulo, Yesu Kristo;

> *"Laba, Omwana gw'endiga agyawo ebibi by'ensi"*
> *(Yokana 1:29b)*

Yatwala ekibonerezo ky'ebibi byaffe. Omutume Petero bw'ayongerako:

Eyeetikka (Yesu Kristo) ye yennyini Ebibi byaffe mu mubiri gwe ku muti,
(1 Petero 2:24)

Omutume Pawulo Alangirira nti:

Naye Katonda atenderezesa okwagala kwe ye gye tuli
Kubanga bwetwali nga tukyalina ebibi, Kristo natufiirira
(Baruumi 5:8)

Kubanga omutango gw'ekibi gwasasulibwa
Mu bujjuvu omuluundi gumu ku lwa bonna
(Abaebbulania 9:12)

Amawulire Gano Amalungi Gayinza Gatya Okubeera Amalungi Enyo?

Omuwendo gw'ekibonerezo ky'okufa gwasasulibwa mu bujuvu. Ekisenge ekikyawula wakati wa Katonda omutukuvu n'omuntu atali mutuukirivu kyagyibwawo. Ekibi kyakolawo okwawukana wakati w'omuntu ne Katonda (Isaya 59:2). Yesu Kristo yaggyawo ekisenge kino olw'okufiririra abalala ku musalaba. Ekikolimo ekyali kyatekebwa ku muntu olw'obutayinza bwe kukuuma mateeka kwalabirirwa mu kufa kwe kwekumu. Kristo yatununula okuva mukikolimo ky'amateeka bweyafuuka ekikolimo ku lwaffe kubanga kyawandiikibwa nti;

"Akolimiddwa buli awanikiddwa ku muti"
(Bagalatiya 3:13b)

Yesu Kristo yekka, awatali kwongerezako kulala kwona yeyaleeta emirembe ne Katonda (1Timosewo 2:5). Ekizibu ky'ekisenge ekinene ekitayitikako, okulemererwa kw'omuntu okugoberera ebiragiro bya Katonda n'amaanyi g'omuntu agatamala byayanukula Yesu Kristo ku musalaba.

N'okusaangula endagaano ayawandiikibwa mu mateeka,
Eyatwolekera eyali omulabe waffe; nayo n'agiggyamu wakati
Mu kkubo bwe yagikomerera ku musalaba"
(Bakolosayi 2:14)

Kubanga ye (Kristo) gye mirembe gyaffe, eyafuula byombi ekimu,
N'amenyawo ekiseenge ekyawakati ekyawula, bweyamala okugyawo
Mu mubiri gwe obulabe, tawuleti ey'ebiragiro ebiri mu mateeka"
(Befeso 2:14, 15a)

Kubanga bwetwali nga tukyalina ebibi, Kristo natufiirira
(Baruumi 5:8)

OMULYANGO OGWEKIGYUKIZO.

Lowooza emabega ku ggaali eyolekedde mu lufula. Oluvanyuma lw'omusajja ataliiko musango okuwayo obulamu bwe, akakwakulizo akaweebwa omulamuzi kwekuba nti abo bonna abagala okufuluma eggaali balina okuyita mu mulyango gumu ye gweyateekawo. Omulyango gunno gussaamu ekitiibwa okufa

kw'omusajja atalina musango eyafa mu kifo kyabwe. Omulyango ogwo nga gwakigyukizo! Lowooza kukiyinza okuba nga kigenda mu maso mu birowoozo by'abo abaali basalidwa omusango naye nebagondera ekiragiro ky'omulamuzi okufulumira mumulyango ogutwala mu ddembe.
Mu nnyinnyonnyola, Katonda yafulumya ekiragiro okuva mu kkooti ye eyo muggulu. Okusalawo kwoka okukirizibwa mubwenkanya bwe obutukiridde kwekuyingirira mu kkubo limu lyoka. Tewali kwekiriranya kukubo lino. Amateeka ga Mukama tegakyukakyuka. Abasabaze baalina kufulumira mu mulyango gumu. Omuntu yenna ayagala okuyingira eggulu ateekwa okuyingirira mu mulyango gumu gwoka ogwateekebwawo.

OMULYANGO OGUYINGIRA MU GGULU

Ebikwata kukusalawo kwa Katonda, Yesu Kristo yennyini agamba:

> *"Nze kkubo, n'amazima n'obulamu:*
> *Tewali ajja eri Kitange, wabula ng'ayita munze".*
> *(Yokana 14:6)*

Luka ayongerako nti:

> *So tewali mu mulala bulokozi, kubanga tewali na linnya ddala*
> *Wansi w'eggulu eryaweebwa abantu erigwanira okutulokola.*
> *(Ebikolwa By'abatume 4:12)*

Kino n'essira lingi kitegeza nti awatali Yesu Kristo tewali muntu asobola okulokoka oba okugenda mu Ggulu. Yesu Kristo mwene ekyo y'akikakasa. Tewali ppanya ekisobola. Katonda ategeeza ky'ayogera. Goberera omulyango oyingire oba ogalirwe ebweru w'eggulu emirembe gyonna.

ENGERI Y'OKULOKOKA

Waliwo ekubo limu lyoka erigenda mu ggulu era eryo, kwekuyita mu Yesu Kristo. Yesu Kristo agamba:

> Nze mulyango; omuntu yenna bw'ayingirira mu nze alirokoka
> (Yokana 10:9a)

Omuntu ayinza atya okuyingira mu mulyango gwatasobola kulaba? Nga Yesu Kristo bwali omulyango; engeri yokka omuntu gyayinza okuyingiramu lwa Kukiriza kwoka mu Yesu Kristo yekka. Omulyango ggumu, awayingirirwa wamu, okukiriza kumu mu Kristo yekka. Okukiriza okwenkana ki? " kutono nnyo ng'akaweka ka kaladaali" (Matayo 17:20)

EKIFAANANYI KY'OKUKIRIZZA: Mu ndagaano enkadde, abantu ba Isiraeri baggyemera Katonda. Katonda mu bwenkanya bwe n'asindika emisota egy'obusagwa mu (Okubala 21:6) emisota ne giruma era ne gitta abantu bangi. Aba Isiraeri nga babonaabona ne baatula ebibi byabwe eri Mukama. Katonda yalikiriza emisota okumalawo aba Isiraeri bonna abajeemu naye teyakikola. Kiki kyeyabola? Mukisa kye ekitageragerenyizika, yagamba Musa:

> Kola omusota ogw'obusagwa oguwanike ku mpagiawo olulituuka omuntu yenna
> bwanabojebwanga =omusota anasitulanga amaso ge n'atunulira omusota

olwo nabera mulamu (Okubala 21:8).

Bwatyo Musa n'akola nga Katonda bweyamulagira. Olaba, Musa yagoberera ekiragiro kya Katonda nga bwekyali. Awo nekisigalira Isiraeri okugoberera ekiragiro kya Katonda nga bwe kyali nabo okuyita mu Musa. Baalina okusalawo okukola obukozi nga Katonda bweyalagira oba okubojjebwa n'e bafa.
Mazima ddala abo bonna ababojjebwa ne batabuuza bibuuzo ku kisa kya Katonda oba amagezi ge oba okwemulugunya ku bwangu bw'ekiragiro kya Katonda naye ne batunuulira butunuulizi omusota Musa gweyakola baalama. (Kulaba 21:9) Nga kyamaanyi, nga kyewuunyisa, nga kyali kyangu ekisa kya Katonda eri Isiraeri, kyangu nyo nti abato n'abakulu baalina kutunula butunuzi ku musota ne bawona.
Tewaliwo mulimu gwo ogw'engeri yonna ogwalina okwongerwa kukiragiro kye eky'ekisa. Katonda yali teyetaaga bisuubizo byonna, teri kwewaayo kwonna, tewaali kuwaayo kibiina oba okuddamu okuwaayo ekibiina nate, tewaali kubatizibwa oba ebimu eby'ekumi ebyetagisa. Nga ekyokudamu kino kyali kya kisa nnyo okuva mu kkooti ya Katonda omulamu. Katonda y'omu eyawa ekiragiro eri Musa, emyaka enkumi egiyise, yayisa ekiragiro ekirala ekyangu eri embeera y'omuntu etaalina buyambi.

OMWANA WA KATONDA NGA AWANIKIDDWA

Nga Musa bweyawanika omusota mu ddungu
Bwatyo n'omwana w'omuntu teekwa okuwanikibwa;
Nti buli amukiriza abeere n'obulamu obutaggwaawo (Yokana 3:14-15)

Yesu Kristo yawanikibwa ku Musaalaba naayakomererwa. Nga aba Isiraeri bwe batunuliranga omusota Musa gweyawanika mu ddungu, nawe osobola okuyimusa amaaso go n'otunulira omusota mu kukiriza kyokka mu Yesu Kristo n'obera n'obukakafu mu Katonda mweene nti olina obulamu obutagwaawo.

Mu ddungu, baalina okutunulira omusota. Mulimu ki oguli mukutunula? Tewali. Kumusaalaba, kyangu nnyo kukkiriza bukkiriza. Natte waliwo omulimu mukukola? Nedda. Omulimu gwa Kristo. Nga ekirabo kya Katonda oky'okununulibwa mu ddungu kyali kyangu nnyo mubiro ebyo; era nga kyangu nyo ekirabo kya Katonda eky'obulokozi kati. Katonda afuula ebintu okubeera ebyangu naye Sitani ne banne bakalubya ekirabo kya Katonda eky'obulokozi obw'ekisa. Obulokozi nsonga nnyangu; kyangu nnyo nti: "Kkiririza mu Ye", so si kkiriza obatizibwe, si kiriza wegatte ku kkanisa, si kkiriza weyongerenga okukiriza, si kiria wenenya odemu okirize, si kiriza ofule Yesu Kristo okubeera Mukama kubange ye, ye Mukama yamala dda okubera. Tewali kwewaayo kulala kugattibwa ku kukkiriza. Etteeka lya Mukama okulokoka lyalambikibwa bulungi;

Oyo yenna (nga nawe mwoli) akkiriza omwana alina obulamu
Obutaggwaawo. Naye atakiriza Mwaana talina bulamu, naye
Obusungu bwa Katonda bubeera kuye. (Yokana 3:36)

Kubanga Katonda bweyayagala ensi bw'ati, n'okuwaayo n'awaayo
Omwana we eyazalibwa omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme
Okubula, naye abeere n'obulamu obutaggwaawo. (Yokana 3:16)

Naye bino byawandiikibwa mulyoke mukkirize nti Yesu ye Kristo,
Omwana wa Katonda; era bwemukkiriza mube n'obulamu mu linnya lye.
(Yokana 20:31)

OBWESIGWA BWA KATONDA

Kisoboka Katonda okulimba? Tekisobokera ddala.

Katonda si muntu, okulimba (Kubala 23:19)

Katonda bw'agamba nti "oyo yenna akkiriza omwana alina obulamu obutaggwaawo" (ate nga ye…Yakona 3:16), ekyo kyennyini kyeyali ategeeza. Bw'agamba nti "Nabuli amukkiriza (Yesu Kristo) talizikirira (ate nga ye…Yakona 3:16), yali ategeeza nti omuntu yenna ateeka obwosige bwe mu Kristo, taligenda mu geyeena. Kyangu nnyo bwekityo. Kuluuyi olulala Katonda bwaba yagamba nti " Oyo akiriza mu Yesu Kristo, N'amufuula Mukama, Nabatizibwa era neyeewerayo ddala gyali talizikirira", wandikoze ebintu ebyo byonna nga bukyali bwoba nga olina yo esuubi ly'okubeera n'obulamu obutaggwaawo.Nga kiwumuza emmeeme kubanga teyayogera bintu ebyo byonna. Ekintu kimu ekirambikidwa obulungi okuva mu kigambo kye nti:

Kkiriza Mukama waffe Yesu Kristo, onoolokoka
(Bikolwa 16:31)

Ekyo ky'ekisa kya Katonda mu bikolwa.

OKUSSALAWO KWO OKUKYASINZEEYO.

Mukaseera kanno kenyini, osobola okukola okusalawo okukyasiinzeeyo okunakyusiza ddala obulamu bwo. Mu ngeri ki? Ng'ogamba Katonda kitaffe nga oyatula oba mukaama nti kati kati okiriza omwana we eyawanikibwa ku musaalaba okufa mukifo kyo. Mbagirawo nga otadde okukiriza kwo mu Kristo yekka, ogondedde ekyigambo kya Katonda. Awo wenyini ekyamagero ky'obulokozzi kitandikirawo. Nga kaseera kalungi nnyo mu bulamu bwo! Obulamu obununuliddwa Katonda muky'amagero emirembe gyonna.

Kubanga mwalokoka lwa kisa lwa kukkiriza……(Abaefeso 2:8a)

Ebyamagero bino byebiri wa? Kotonda mukuwannyisa okukkiriza kwo okunafu n'obutuukirivu bwo obuvuundu akuwa obutuukirivu bwe obutuukiriridde ddala (Barumi 3:22), era nga gwemusingi gw'okugibwako omusango. Mu bintu ebirala akuwa obulamu bwe obutaggwaawo (Yokana 3:36). Mukaseera ako kenyini, obeera n'obutuukirivu bwa Katonda. Era obeera n'obulamu bwe bwennyini muggwe. Ebirabo bino eby'ekisa ebiva eri Katonda omulundi ogusooka mu bulamu bwo bikusaanyiza okubeera ne Katonda mu ggulu emirembe n'emirembe.

Kiki kyewakola okufuna ebintu bino? Tewali. Nolw'ensonga eyo, osobolera ddala okumalirira ng'ogamba nti tewabikolerera, tewakola era wali togwanira kulokolebwa nga oggyeeko olw'ekisa kya Katonda. Kitokotera ddala okutuuka ku kino nti: Tosobola kulongoosa mu kwekyo Katonda kyeyakola. Omulimu gwa Katonda gubera gwa nkomeredde era tegukyusibwakyusibwa. (Barumi 11:29).

Gano gemawulire amalungi. Omukisa guuguno gutuuse. Okusalawo kusigalidde gwe okukola. Obulokozi lwa kukkiriza mu Kristo, mu Yesu Kristo yekka.Kino ky'ekyokuddamu kya Katonda kyoka okusobola okutoloka. Kiriza ekirabo kye eky'ekisa osobole okukyusibwa oba gaana ekirabo kye eky'ekisa otukibweko ebivamu nga kwe kuzikirira emirembe n'emirembe.

Akkiriza omwana alina obulamu obutaggwaawo;
Naye atakkiriza mwana taliraba bulamu, naye obusungu
Bwa Katonda bubeera ku ye. (Yokana 3:36)

Okusalawo kukwo wekka; n'olw'ekyo tuwaayo essaala eno ku lulwo:

Kitafe ali mu ggulu, tukwebaza olw'ekirabo kyo eky'okukkiriza, omwana wo eyawebwayo ku musalaba. Tukwebaza olw'okufuula obulokozi obwangu ennyo era ngabufunibwa buli omu. Tusabira buli muntu asomye obubaka buno ebw'enjiri era nga tanaba kukola kusawo kwe okusingayo obukulu mu bulamu bwabwe. Tusaba batukire ddala kukutegeera kyekitegeeza okukkiriza oba okugaana ekirabo kyo ekitaggwaawo eky'obulokozi. Ayi kitaffe, somooza buli oyo yenna atanaba kukkiriza Kristo okugenda mu maaso ng'afumiitiriza kububaka buno. Mu linnya lya Kristo, Amiina.

BY'ABO ABAKKIRIZA

Katonda ayagala okule mu kukkiriza (2 Petero 3:18). Ayaayaana nti weyoongere okulumwa enjala olw'okuyigiriizibwa okw'amazima (1 Petero 2:2). Bw'oba wandyagadde okufuna akatabo kano n'ebitabo ebirara ebikulu ebinakuyamba mu bulamu bwo obw'omwoyo awatali kussasula ssente yonna, laba endagiriro emabega ku ddiba.

EKY'OKUSABIRA. (Byabakkiriza bokka).

Munyiikirirenga mukusaba nga mutunulanga mukusaba mukwebaza
(Abakkolosaayi 4:2)

Okusaba kw'omuntu omutuukirivu kuyinza nnyo mukukola kwakwo
(Yaboko 5:16b)

Nate nga mutusabira naffe, (nga mwotadde Moses ne Grace Evangelistic Ministries)
Katonda okutuggulirawo oluggi olw'ekigambo, okwogera ekyama kya Kristo
(Abakkolosaayi 4:3)

Grace Evangelistic Ministries, Inc.
P.O Box 111999 Nashville, Tennessee 37222
www.GEMworldwide.org